Ebirimu

1.	Ennyanjula	2
2.	Enfaanana ya pulojekiti	3
3.	Okukuuma eddembe ly'obuntu ng'oyise mu byobuwangwa	8
4.	Okukolera awamu n'abakulembeze ab'ennono	10
5.	Ebivuddemu	14
6.	Ebituuse ku bakulembeze ab'ennono	19
7.	Okuwunzika	23

1. Ennyanjula

Okuva mu mwaka gwa 2005, ebitongole omuli ekya PLAN wamu ne FIDA bibadde birinako pulojekiti gye bikola mu disitulikiti ye Kamuli. Pulojekiti eno ekwata ku kukendeeza ku ngeri siriimu gy'akosaamu abaana, abantu b'omu maka n'abomu kitundu. Essira liteekeddwa ku ddembe ly'abaana, abavubuka, abakyala n'abantu abaavu nga abakoseddwa akawuka ka siriimu.

Nga Pulojekiti egenda mu maaso kyazuulibwa nti okuggyako nga bafudde ku by'obuwangwa by'abantu bano pulojekiti tejja kuba na makulu. Kino nno kyali kitegeeza nti balina okusaba abakulembeze ab'ennono okusingira ddala abakulu b'ekika okwenyigira mu pulojekiti eno. Kino era kyali kitegeeza nti balina okukkiriza nti waliwo ebintu ebikulu ebirala ebyalina okutunuulirwa ng'oggyeeko amateeka. Mu ngeri y'emu kyali kitegeeza nti baalina okugoberera ebyobuwangwa by'abantu b'omu kitundu mwe bali.

Akatabo kano kalaga ebyaliwo mu myaka ena egya pulojekiti egyasooka.

Ebyazuulibwa mu kunoonyereza kuno byaggyibwa ku bantu omwali abakulembeze b'ennono, abakulembeze ab'ennono abalala, ab'eddiini, abatuuze, abakulembeze mu gavumenti eya wakati, n'abo abaali baganyulwa okuva mu pulojekiti eno. Abantu abakola ku kukuuma ebiwandiiko nabo baabuuzibwa. Abakozi ba FIDA ne PLAN nabo beenyigira mu mulimu gwonna gwakolebwa ekitongole kya Cross-Cultural Foundation of Uganda, era nga beebaawandiika ebintu byonna ebyazuulibwa wamu ne firimu yaakwo.

2. Enfaanana ya pulojekiti

Ebyobuwangwa, eddembe ku bintu n'abakulembeze b'ennono.

Pulojekiti ya PLAN/FIDA etwala ettaka okuba ekintu ekikulu ennyo mu bulamu bw'abantu. Ettaka lino ebiseera ebisinga lya lukale wewaawo nga mu kiseera kino abantu batandise okufuna obwannannyini obw'omuntu ssekinnoomu. Ebyavanga mu ttaka lino baabikozesanga wamu nga abantu b'ebitundu. Kino kyali kikolebwa mu ngeri eyali essa ekitiibwa mu by'obuwangwa by'abantu b'ekitundu naddala Abasoga bannansangwa.

Okunoonyereza kuno kwesigamiziddwa okusingira ddala ku bakulembeze b'ebika. Abakulembeze bano bassibwamu ekitiibwa era kye baba basazeewo kitera okuba eky'enkizo. Okufuuka omukulembeze w'ekika, oteekwa okuba nga oli wa kika ekyo, ng'okuze mu myaka era ng'ossibwamu ekitiibwa. Abakulembeze b'ennono batuula ku lukiiko lw'ebika eby'enjawulo. Nazzikuno ng'omukyala tatuula ku bukiiko buno wewaawo nga mu nsangi zino kati kitandise okukyuka. Abakiise ku bukiiko buno be bakiikirira ebika mu nkuŋŋaana zino. Bakiikirira ebika ku mikolo egy'ebyobuwangwa era batwalibwa okuba nga be bakuumi ba ssemateeka afuga ekika.

Abasoga abasinga balina abakazi abasukka mu omu. Kino kitwalibwa okuba nga kintu kikulu nnyo era eky'omugaso olw'ensonga nti kyetaagisa abantu bangi naddala mu kulima. Omwana ow'obuwala alina okufumbirwa nga akyali muto. Okusinziira ku byobuwangwa ng'omuwala tayinza

Mu Busoga, abakyala abasinga amateeka tebagamanyi. Wano nga basomesebwa amateeka mu lukuŋŋaana olwatuula e Nawansaso mu 2007

kwesalirawo wabula abazadde bebaasalangawo nga bamaze okwekkaanya oba obufumbo bunaasoboka n'oluvannyuma ne bakkiriziganya ku mutwalo ogunaagula omwana waabwe.

Okusinziira ku byobuwangwa, tewali mukazi oba muwala yakkirizibwanga kusikira kintu kyonna, wewaawo kino kitandise okukyuka. Kino kyaviirangako Nnamwandu okugaanibwa okusikira ekintu kya bba kyonna olw'ensonga nti yali si wa luganda lwe. Singa omwami mu maka afa, ekika kironda abasika babiri; omu yayitibwanga 'Omusika ow'enkoba' ng'ono yafuuka omukuza w'abaana ba mulekwa. Omusika owookubiri yayitibwanga omusika ow'embisi ng'ono asikira musaayi. Omukyala tateekeddwa kusika naye nga bwe tunaalaba kino kigenze kikyuka.

Singa omugenzi taba na mwana wa bulenzi owooluganda omusajja y'aba alina okusika. Singa waabangawo obutategeeragana naddala ku nsonga z'ettaka, ensonga zaatwalibwanga owoomukulu w'ekika abatabaganye. Bannamwandu ne bamulekwa baatwalibwanga owooluganda w'omugenzi oba ow'ekika kye. Kino kyakolebwanga bwe kityo olw'okusobozesanga bannamwandu ne bamulekwa okufuna we babeera wamu n'okubakuumira ebintu byabwe. Singa Nnamwandu teyawasibwanga wa luganda lw'omugenzi, yagobwanga era naaboolebwa. Enkola eno ekyaliyo mu bitundu ebimu ebya Kamuli naye nga egenze ekendeerera ddala okuva ebitongle bya PLAN/FIDA lwe byatandikawo pulogulojekiti eno.

Amateeka gagamba gatya?

Abakulembeze ab'ennono bazzibwawo mu ssemateeka wa 1995. Wewaawo ng'etteeka ligaana abakulembeze ab'ennono okwenyigira mu byobufuzi, ssemateeka tabagaana kumalawo butategeeragana obuyinza okubaawo mu bantu baabwe. Noolwensonga eyo abakulembeze ab'ennono basobola okuyamba ku bukiiko bw'ebitundu [LCs] okugonjoola obutategeeragana okugeza obwo obwekuusa ku nsonga z'ettaka n'obufumbo.

Ssemateeka wa Uganda awa buli muntu eddembe nga muno mwe muli eddembe ly'abakyala, abaana n'abantu abalina obulemu. Balina okuyisibwa kyenkanyi wadde nga bakazi oba basajja. Amateeka agawa abakyala n'abaana eddembe lyabwe mwe muli Etteeka ly'obusika nga lino essira liriteeka ku ddembe ly'okusika kw'abaana, nnamwandu, ssemwandu n'abaana b'omugenzi. Abaana wadde nga bebbali bateekeddwa okugabanyizibwa ebintu mu kyenkanyi era n'okuyisibwa obulungi. Abaana oba bawala oba balenzi basobola okusika singa ekika kibalonda oba ng'omugenzi yalaama. Ssemateeka akkiriza obufumbo bwa ngeri nnya era nga muno mwe muli obw'ekkanisa, obw'ebitaasa, ssaako n'obw'ebyobuwangwa n'obwekisiraamu obukkiriza omusajja okuwasa abakazi abasukka mu omu. Mu disitulikiti ye Kamuli, abantu abasinga obufumbo bwabwe tebuli mu mateeka nga kino kiviirako ensonga ezeekuusa ku busika okuzibuwala olw'ensonga nti eddembe ly'obusika n'okusikira ebintu lyesigamiziddwa ku bufumbo obukkirizibwa mu mateeka oba ku ddaame singa libaaawo

Amateeka gano agamu gakontana n'ebyobuwangwa nga bwe biragiddwa waggulu, ng'oluusi byanditwalibwa okuba ebibi oba ebirungi. Ebiseera ebimu ebyobuwangwa biyinza okutaasa eddembe ly'omwana kyokka ng'ebiseera ebimu biyinza okuviirako abaana n'abakazi obutaweebwa ddembe lyabwe.

Abantu abali mu katyabaga n'engeri eddembe lyabwe gye lityoboolwamu

Obulwadde bwa siriimu bulese abaana bangi nga nfuuzi n'abakyala bangi nga bannamwandu.

Abaana n'abakazi be basinze okukosebwa. Mu kitundu omukolebwa pulojekiti eno, kyazuulibwa nga bangi ku bo eddembe lyabwe ly'abaggyibwako lwa nsonga nti baali tebamanyi mateeka era nga n'enteekateeka y'okugassa mu nkola teyaliiwo. Ebyobuwangwa biviiriddeko ebintu ebitali birungi okutuuka ku bamulekwa ne bannamwandu gamba nga nnamwandu okutwalibwa ng'ekyobusika, okusobezebwako, okunyagibwako ebintu mu ngeri yeemu abaana abato wamu n'abakazi tebalina bwogerero ku nsonga ezikwata ku by'obusika n'okuba n'obwannannyini ku bintu.

Ekika ye kkooti esookera ddala okuyingira mu nsonga singa wabaawo obutategeeragana. Abantu bangi baddukira mu bakulu ba kika singa wabaawo obutategeeragana ku nsonga z'amaka, obufumbo, okukuza abaana, obwannannyini ku ttaka oba ku nsonga ezeekuusa ku busika. Naye abakulu b'ekika wamu n'ab'obukiiko bw'ekitundu (LC) batera okwagala okukuuma ebyobuwangwa mu kifo ky'okukuuma eddembe ly'abaana n'abakazi nga bwe libaweebwa mu mateeka. Ebiseera ebiyise byoleka nti ekkooti z'obukiiko bw'ebitundu wamu n'abakulembeze ab'ennono tebafuddeyo kulaba nga bakuuma eddembe ly'abantu abakoseddwa obulwadde n'akawuka ka siriimu. Ebiseera ebisinga bakola ekyo kye balaba nga banaganyulwamu bo bennyini mu kifo ky'abantu abakoseddwa siriimu. Abakyala n'abaana bakisanze nga kizibu okuweebwa eddembe lyabwe naddala mu mbeera nga abakulembeze ab'ennono balowooza nti enkola y'ebyobuwangwa ntuufu era eri waggulu w'amateeka.

Pulojekiti ya PLAN/FIDA

Okusobola okumalawo ebizibu ebyo, ekitongole kya PLAN nga bali wamu n'ekya FIDA baatandikawo pulojekiti okuva mu mwaka gwa 2005. Pulojekiti eno yatandikira mu ggombolola bbiri, kwezo 18 ezisangibwa mu disitulikiti y'e Kamuli. Pulojekiti eno esakirirwa gavumenti ya Australia. Essira liteekeddwa ku kukuuma eddembe ly'abantu abakoseddwa obulwadde bwa siriimu. Ekitongole ekya PLAN ne FIDA bakolera wamu okutuukiriza ekigendererwa kino. FIDA okusingira ddala

Pulojekiti etaddewo woofiisi e Kamuli bannamateeka ba FIDA mwe batuula okuyamba naddala abakyala abeetaaga okuweebwa amagezi.

egezaako okulaba nga eddembe ly'abaana ne bannamwandu ery'obusika bissibwamu ekitiibwa era n'okulaba nga bayambibwa mu mateeka.

Pulojekiti eno ekolaganaira wamu ne woofiisi ekola ku nsonga z'abafu, omukungu akola ku nsonga z'abaana, abakungu ba gavumenti abalala abakulu b'ekika, ne kkooti z'ebitundu. FIDA nga bali wamu ne PLAN balina abakozi bannekyewa abatendekeddwa obulungi nga bano bakola nga bakayungirizi wakati wa pulojekiti n'abantu b'ekitundu. Abakozi bano banoonya era ne bazuula abantu abaggyiddwako eddembe lyabwe, bayamba okutabaganya abo ababa bafunye obutakkaanya, basomesa abantu ku bya mateeka ne ddembe lyabwe, bawa amagezi eri abo ababa bageetaaze wamu n'okusindika abantu abalina emisango mu FIDA oba ebitongole ebirala.

Abakungu ba FIDA nabo beenyigira mu pulogulaamu za laadiyo ssaako n'okutendeka bannakyewa abakolera mu bitundu bino, wamu n'abakulu b'ekika n'ab'ekitundu. Obutabo mu lulimi Olusoga nga bunnyonyola amateeka nabwo buwandiikiddwa. FIDA eyamba abantu mu byamateeka okugeza nga okutabaganya abasowaganye, okukiikirira abantu mu kkooti, okuwabula mu byamateeka n'okukuuma ebiraamo by'abantu bano.

3. Okukuuma eddembe ly'obuntu ng'oyise mu byobuwangwa

Obunafu mu kukozesa ebitongole by'amateeka byokka

Muntandikwa, pulojekiti yakozesanga ebitongole bya gavumenti eby'amateeka omuli ekkooti ne woofiisi z'embeera z'abantu okumulungula emisango egy'ekuusa ku kuvvoola eddembe ly'obuntu wamu n'obutakkaanya obuva ku busika. Wabula ebiseera ebisinga ebitongole bino nga tebikola bulungi.

Ebiseera ebisinga nga kkooti zirwawo nnyo okusala emisango gino; nga zirimu enguzi nga n'abassa ebiragiro bya kkooti mu nkola tebakikola bulungi. Bino byaviirangako okuteeka abantu b'omu maka ku bunkenke ssaako okuleetawo obukyayi n'ettemu mu bantu bano. Ebiseera ebimu wajjangawo embeera embi ennyo naddala singa omuntu eyabanga asigaddewo okulabirira bamulekwa yasibibwanga. Bamulekwa baasigalanga nga tewali mwasirizi. Wabangawo n'ekizibu ekirala nga ebiseera ebimu omukungu akola ku nsonga z'abaana mu kitundu taliiwo ssaako enguzi okufumbeketera mu kkooti z'ebitundu ne poliisi. Kino kyaviirangako abantu obuteeyambisa bitongole bino nga bafunye obuzibu. Mu kiseera kye kimu waaliwo okuwakanya oba okusika omuguwa okuva mu bakulembeze ab'ennono, ssaako n'ab'ekika. Kino nakyo kyayongereza ku kutyoboola eddembe lya bannamwandu ne bamulekwa.

Kino kinnyonnyola embeera eyaliwo wakati wa 2005 ne 2006 bwe kyazuulibwa nga ebitundu 75% eby'emisango egyawabwanga gyali gyekuusa ku bukyayi n'okwagala okuwoolera eggwanga.

Okusalawo okutandika okukolera awamu n'abakulembeze ab'ennono

Abakozi ba FIDA baamala edda ne bakizuula nti kyandiba ekirungi okukolaganira awamu n'abakulembeze ab'ennono. Mu lukuŋŋaana olwatuula mu 2006, abakulembeze b'ennono baalaga obuzibu bwe basanga nga bagonjoola

ensonga mu bantu baabwe era obuzibu buno bwali buva ku nsonga nti amateeka baali tebagategeera bulungi.

Era baali tebategeerera ddala nsonga lwaki emisango egitwalibwa mu FIDA tegisalibwa okusinziira ku byobuwangwa bw'abantu b'omu kitundu naddala singa abakyala basikira ebintu. Baasaba babangulwe ku bikwata ku mateeka.

Abakungu ba pulojekiti baasalawo okutandika okusomesa abakulembeze b'ennono ebikwata ku mateeka, okumulungula obukuubagano obwekuusa ku busika, ettaka obufumbo n'amaka. Ebirala ebyava mu kukolera awamu n'okugatta ebyobuwangwa n'amateeka byali bya muggundu. Abakulembeze b'ennono baawanga kye bamanyi naddala obukulu bw'ebyobuwangwa n'ennono ssaako n'obuvunaanyizibwa bwabwe mu kugonjoola enkaayana ezeekuusa ku busika. Baasemba eky'abantu b'omu kitundu okuba n'obuvunaanyizibwa obwawamu ku baana naddala bamulekwa. Kino kyayambako mu kugonjoola entabwe eyandibadde eva ku musajja okuba n'abakazi abangi. Mu nkola y'okubeera n'obuvunaanyizibwa obw'awamu buli mukazi yaweebwanga ekitundu ky'ettaka ekyayambanga buli mwana okuganyulwa nga ayita mu maama we. Pulojekiti yaganyulwanga nnyo olw'ensonga nti abantu bassanga ekitiibwa mu bakulembeze ab'ennono era kye baabanga basazeewo nga bakigenderako. Mu ngeri yeemu, pulojekiti yaganyulwangamu nnyo olw'ensonga nti abakulembeze b'ennono babeera n'abantu bano mu kitundu kyabwe, kale ne kibayamba kubanga baba bamanyi buli kalonda akwata ku bwannannyini bw'ebintu n'embeera y'amaka nga kiyamba okumulungula obutakkaanya mu bwangu. Enzikiriza gye balina nti bakatonda baabwe babeera babalaba, kibayamba obutalimba naddala nga bali mu kkooti z'ebika.

4. Okukolera awamu n'abakulembeze ab'ennono

Okutendekebwa

Abakozi b'omu kitundu bannakyewa nga bali wamu n'abakulembeze ba LC mu kitundu wamu n'abakulembeze b'ennono abamanyiddwa nga (omukuŋŋaanya) be baayamba okulondamu abakulembeze b'ekika abaalina okutendekebwa. Abantu abalondebwa okusobola okutendekebwa baalina okuba nga bassibwamu ekitiibwa, nga babeera mu kitundu ekyo era nga beetegefu okuyamba abalala mu nkola ey'obwannakyewa. Enteekateeka yali ya kutendeka abakulembeze 630 (basatu buli kika); ssentebe, omumyuka n'omuwandiisi).

Abakulu b'ekika nga batendekebwa e Kamuli mu 2007

Okutendekebwa kwatandika mu 2006. Abakulembeze baatendekebwa mu mateeka ag'enjawulo omwali; eddembe ly'obuntu n'ebyobuwangwa, amateeka agakwata ku busika, obufumbo, okwawukana mu bufumbo, okulaama, n'etteeka ly'abaana. Essira lyassibwa nnyo ku butasosola bakazi, bawala n'abantu abalina obulwadde n'akawuka akaleeta obulwadde bwa siriimu. Ebirala ebyabasomesebwa mwe mwali obukodyo bw'okutabaganya abantu ssaako n'okulaba nga abantu bafumbirwa mu mateeka kiyambe mu kukendeeza ku bukuubagano bw'okusika.

Okuva mu 2006, twakabaayo n'okutendekebwa kwa mirundi ebiri buli mwaka. Ebiseera ebimu abakulembeze b'ennono beenyigira mu kutendeka

naddala mu kuyambako okunnyonnyola obulungi amateeka ate mu ngeri ennyangu. Ku nkomerero ya 2008, abakulembeze b'ennono 210 be baali baakatendekebwa. Abakazi 4 bokka be baakatendekebwa era be batuula ku bukiiko bw'ebika bino.

Abeebuuzibwako ku nsonga z'ebyobuwangwa

Waliwo ebiseera ebimu ng'okusobola okumalawo obutakkaanya mulina kumala kwebuuza ku muntu ategeera ebyobuwangwa n'ennono z'abantu b'ekitundu. FIDA yeeyambisa abakulembeze b'ennono abatendekebwa okukola nga abeebuuzibwako ensonga z'ebyobuwangwa. Bano bayamba okumalawo obutakkaanya mu ngeri ennungi. Okugenda mu maaso okulondoola abo abalina okutabaganya, wamu n'okusomesa abantu singa wabaawo enkuŋŋaana z'okusomesa abantu ensonga ezikwata ku mateeka, kyoleka obwesige abantu bwe babalinamu wamu n'obukugu bwe balina mu kunnyonnyola ensonga ezikwata ku byobuwangwa n'ennono, obusika, obutabanguko

Bokisi 1: Okutendeka n'okuyisa obulungi abantu

- *"Abakulembeze b'ennono baasomesebwa amateeka. Nga tebannasomesebwa twali tubawa ekitiibwa naye nga tubatya. Baali bakambwe ate nga batiisa. Baali batusosola okusingira ddala ffe abalina obulwadde n'akawuka ka siriimu. Oluvannyuma lw'okutendekebwa, kati ba ggonjebwa era batutwala ng'abantu".Bya Nabirye, owe Buzibirira –Buwanumo Kitayunja, aganyuddwa mu pulojekiti.*

- *"Abakulembeze ab'ennono nga tebannaba kusomesebwa, baali bakambwe eri bannakyewa abakola mu kitundu era nga tebaggyira ddala mu misomo gyaffe. Oluvannyuma lw'okutendekebwa bakyuse kinene nnyo. Balwanirira obwenkanya mu bantu bonna. Batuyamba okumalawo obutabanguko mu bantu, bakumaakuma abantu okujja mu misomo gy'amateeka era batuukirikika".Bya Paul Tenywa, Munnakyewa asangibwa e Kananage, Nankulyaku.*

mu maka wamu n'ensonga endala ezigenda zibalukawo mu bitundu byabwe.
Abakulembeze b'ennono bayambiddwa okuba nga bakolagana bulungi ne poliisi, woofiisi ekola ku nsonga z'abaana, wamu n'obukiiko bw'ebitundu. Emisango egikwata ku busika bwe gireetebwa mu woofiisi za FIDA, ebiseera ebisinga giweerezebwa mu bakulembeze b'ennono. Abakulembeze b'ennono basabibwa okuwa FIDA alipoota ezikwata ku misango gye baba basaze. Balina okulaga mu alipoota zino engeri gye baba basazeemu emisango gino. Abakulembeze ba LC nabo baweebwa amagezi okuyita abakulembeze b'ennono abatendekeddwa okubawa amagezi singa babaayo n'emisango egy'okuwoza mu kkooti.

Okukendeeza ku lukonko wakati w'abantu n'abakulembeze ab'ennono

Emabegako, wabadde tewali nkolagana ya wamu wakati w'abakulembeze b'ennono n'abantu naddala abaana n'abakyala. FIDA yagezaako okumalawo kino ng'eyita mu kusomesa abatendekebwa obuvunaanyizibwa bw'abakulembeze b'ennono. Mu ngeri y'emu yabasomesa ku ngeri y'okunywezaamu enkolagana n'abantu b'omu kitundu nga batwalibwa nga abaweereza era abakulembeze b'abantu (Bokisi 1).

Olukonko oluliwo wakati w'abakulembeze b'ennono lugenze lukendeera olw'abantu abakola obwannakyewa wamu n'abakulembeze b'ebitundu (LC) abagenze batendekebwa mu by'amateeka. Mu ngeri eno, abakulembeze b'ennono batya

Bokisi 2: Kisuffu" Abaana baffe bazaaliddwa mu biseera birungi!

- *"Kyanneewunyisa nnyo mu kuziika mwannyinaze bwe nnalaba nga abakulembeze b'ennono bagabanya bulungi ebintu by'omufu mu bantu abaalina okugabana. Abakulembeze b'ennono baali bamanyiddwa nga ababbi b'ebintu by'omufu. Ne kitaffe bwe yafa babba ettaka lyaffe lyonna. Kirungi okuba nga batendekeddwa mu mateeka naddala okukuuma eddembe ly'abantu baabwe okusinga okukungula gye bataasiga. Kati basobola n'okuwa omwana ow'obuwala ettaka! Abaana baffe beesiimye okuzaalibwa mu biseera ebirungi nga bino!"*

Bya Nabwami Jalia atemera mu 80 ow'e Buterimire, Namisambambya I mu ggombolola y'e Kitayunjwa.

- *"Abdulla Bazira bwe yafa, bonna abaalina okusikira ku bintu bye baafuna omugabo gwabwe wewaawo nga yafa talina mwana mulenzi, mu kwabya olumbe lwe abakulu b'ekika baagabanya ky'enkanyi ebintu bye eri bannamwandu be ne bawala be abasatu be yaleka. Baatandikawo ensawo y'okuweerera abaana abaali bakyasoma era ne bakkiriziganya nti nnamwandu asigale mu maka ga bba omugenzi nga balabirira n'ettaka". Bya Jolly Nangobi ow'e Bwooko mu muluka gwe Nabirumba.*

5. Ebivuddemu

okuvvoola amateeka kubanga bamanyi nti waliwo abantu abamanyi amateeka mu kitundu kyabwe. Abakulembeze b'ennono bafuuse ba mugaso kubanga balina obumanyi n'obukodyo obwetaagisa mu kumulungula obukuubagano obuba bubaluseewo mu bitundu byabwe. Nga kino bakikola nga beesigamye ku mateeka. Abakyala n'abaana baganyuddwa mu ngeri nnyingi (Bokisi 2).

Obukulembeze obulungiko

Okusookera ddala, abakulembeze b'ennono kati balina obumanyirivu mu byamateeka era basobolera ddala okugonjoola enkaayana ez'obusika. Okusalawo kwabwe kuleeseewo obwenkanya n'okutabagana wakati w'amaka n'abantu b'ebitundu. Okutendekebwa kubayambye okuba nga bafaayo okuleeta obwenkanya eri abantu. Kkooti z'ebitundu ziraga nga kati abakulembeze b'ennono beenyigira kitono ddala mu kutyoboola eddembe ly'abantu. Mu ngeri endala emisango gikolwako mangu. Abakulembeze ab'ennono abaabuzibwa baategeeza nti kati bassa ekitiibwa mu bakazi baabwe era nga kati kyakulabirako mu kitundu mwe bali.

Bokisi 3: Abakulu b'ekika nga bagonjoola obutakkaanya

- *"Abakulembeze b'ennono basobodde okugonjoola obutakkaanya mu bantu okuva lwe baatendekebwa mu by'amateeka. Bafuba okulaba nga bamalawo obutakkaanya mu ngeri esinga okuba ey'emirembe. Bakuuma eddembe lyaffe ery'obuntu. Kati balwanirira eddembe ly'abantu abalina akawuka n'obulwadde bwa mukenenya era batutwala ng'abantu".* Bya Ananias Kabi ow'e Nabirumba Bwooko.

Abantu kati bafuna obuyambi mu byamateeka mangu.

Ekyokubiri, oluvannyuma lw'okutendeka abantu kati waliwo empuliziganya ennungi wakati w'abantu

bonna abakwatibwako. Abantu b'omu kitundu pulojekiti mweri balina obwesige mu bakulembeze baabwe era babatwala ng'abantu abeebuuzibwako naddala oluvannyuma lw'okulaba engeri gye bagonjoolamu ensonga eziba ziwaabiddwa. Abakyala n'abaana ab'obuwala batandise okusikira ebintu, nnamwandu yeesalirawo okuwasibwa oba obutawasibwa kyokka naasigala nga ye nnanyini w'ebintu bya bba omugenzi.

Poliisi kati nayo erwawo okufuna emisango egyekuusa ku kubba ebintu bya bamulekwa ne bannamwandu mu kitundu pulojekiti mweri bw'ogeraageranya n'ebitundu bya disitulikiti ebirala.

Bannakyewa mu kitundu ng'otaddeko abakulembeze b'ennono wamu n'ebitundu (LC) abantu kati bamanyi bulungi eddembe lyabwe. Okusinziira ku bigenda mu maaso, kati emisango gikolebwako abakulembeze b'ennono abatendeke bunnambiro.

Emisango mingi giweerezebwa mu mbuga ezisingawo era n'abantu bangi batabagana.

Ekyokusatu abantu bangi beeyambisa enkola y'okutabagana okusobola okumalawo obukuubagano. Ebitundu 70% eby'emisango egireetebwa mu FIDA e Kamuli gigonjoolebwa nga bayita mu kutabagana. Abakulembeze b'ennono kati bayamba kinene si mu kutangira kubba bintu kyokka wabula ne mu kugonjoola obutabanguko wamu n'okussaawo enkolagana mu bantu (Bokisi 3).

Abakulembeze b'ennono bayambye mu kukendeeza emirimu egyandibadde gikolebwako abakungu ba pulojekiti era bayambye kinene mu kwanguya okugonjoola enkaayana mu byalo. Kino kiviiriddeko emisango okuba nga giweerezebwa wakati w'abakulembeze b'ennono ne poliisi woofiisi ekola ku nsonga z'amaka n'abaana wamu ne woofiisi za FIDA/PLAN n'abakulembeze b'oku disitulikiti. Emisango mingi kati gisindikibwa mu bakulu b'ebika olw'obwesige abantu bwe

Abakulu b'ekika abatendekeddwa mu mateeka nga bamulungula obutakkaanya bw'annamwandu mu byobusika nga bayita mu kwogeraganya. Byali mu muluka gwe Nankulyaku mu 2008

babalinamu mu kutabaganya n'okugonjoola emisango mu ngeri ennungi.

Okusoomoozebwa: Obukuubagano wakati w'ebyobuwangwa n'amateeka.

Okukolera awamu n'abakulembeze b'ennono kireeseewo okusoomoozebwa. Ssemateeka wa Uganda agamba nti singa ebyobuwangwa bikontana n'amateeka, amateeka gegatwalibwa okuba amatuufu. Kino nno kitegeeza nti abakulembeze b'ennono balina okwejjulula n'okweyunga ku mateeka ekintu ekitali kyangu kutuukikako. Wewaawo abakulembeze abamu bakitwala nti ennono n'ebyobuwangwa birina okuba waggulu w'amateeka mu mbeera zonna era bakitwala nti amateeka gano si malungi.

Abakulu b'ekika nga batabaganya abantu abaali asowaganye ku by'ettaka mu muluka gw'e Busota mu 2007

Ekyokulabirako empisa tezisobola kukwasibwa mu baana awatali bibonerezo bya maanyi. Mu ngeri yeemu, abakulembeze b'ennono abatamanyi mateeka era abatatendekeddwa beewuunya engeri omwana owoobuwala gyayinza okugabana ku bintu bya kitaawe kyokka nga enkya agenda kufumbirwa ettaka lyasikidde liweebwe abaana be abava mu kika ekirala. Waliwo obukuubagano wakati w'ebyobuwangwa n'amateeka mu mbeera omukazi atasikiddwa oba atafumbiddwa mu mateeka bw'ayinza okutwalibwa ng'omukyala ng'omusajja afudde.

FIDA egezezzaako okwaŋŋanga ekizibu kino ng'eyita mu kutendeka abantu n'okubateerawo emisomo gy'okwezza obuggya. Emisomo gino essira ligitadde nnyo mu kusomesa abakulembeze ab'ennono, emigaso gy'okwettanira amateeka nga bayita mu byokulabirako ebyenjawulo. Okugeza, singa omusajja afa obulwadde bwa siriimu, Nnamwandu ne bamulekwa ne batwalibwa muganda w'omugenzi ku mpaka, kino kitwalibwa nga kya bwenkanya? Ebyokulabirako nga ebyo byoleka akabaate akali mu kusikira bannamwandu era ne kiyamba abakulembeze ab'ennono okwekuba mu kifuba ku ndowooza ze balina.

Okusoomoozebwa okulala

Waliwo okusoomoozebwa okulala okugeza ebiseera ebisinga abakulembeze b'ennono tebatera kukwatagana bulungi n'abavubuka. Ekyokubiri, ebyobuwangwa bitangira abakyala okubaako n'ebifo by'obukulembeze mu bika. Abakulembeze abatendekeddwa mu pulojekiti kumpi bonna basajja. Wabula, kino kigenze kikyuka kubanga abaana ab'obuwala bagenze batandika okusikira bakitaabwe (era abamu batuula ku bukiiko bw'ebika).

Obwavu nabwo bukosa nnyo abakulembeze b'ennono nga bakola emirimu gyabwe. Beetaaga ssente okubatambuza mu bitundu awaba wagudde obutabanguko oba obutategeeragana nga bubaluseewo. Oluusi beetaaga ssente okutwala omusango mu kkooti. Ebiseera ebimu babulwa ebintu nga ebitabo ebiriko okusomesebwa biyigiriza ssaako n'amawulire amaggya.

6. Ebituuse ku bakulembeze ab'ennono

Ekitiibwa

Katwebuuze; enkolagana wakati wa pulojekiti eyambye abakulembeze ab'ennono okuba nga bassibwamu ekitiibwa? Oba pulojekiti ebassizza wansi nga ebaraga nga abatandise okukkakkanyizibwa amateeka gebatendekebwamu? Ebibuuzo bino bikulu nnyo kubanga birina engeri gye bikosaamu enkola eno.

Abakulembeze b'ennono kati bongedde okussibwamu ekitiibwa kubanga kati batwalibwa nga abakugu abeebuuzibwako mu byamateeka era nga kati abakungu ba FIDA mu byamateeka n'abo ab'oku disitulikiti bakolaganira wamu okusinga bwe kyali edda. Mu ngeri yeemu abakozi abannakyewa mu kitundu ne bakansala mu kitundu babeebuuzibwako nga baddukanya emirimu gyabwe naddala mu kumalawo obutategeeragana (Bokisi 4).

Abantu bwe baatandika okusomesebwa, abasajja baasooka ne bateetaba bulungi mu misomo gino. Naye okuyingizaamu abakulembeze b'ennono

Bokisi 4: Abakulembeze b'ennono n'okulwanirira amateeka

- *"Okusomesa kunnyambye okutegeera n'okukkiriza amateeka. Naddayo n'entendeka ab'ekika kyange, abakazi, abavubuka n'abaana ku ddembe ly'abantu abakoseddwa akawuka ka mukenenya n'engeri gye tuyinza okukuuma eddembe lyabwe, ku ngeri gye tuyinza okumalawo obutakkaanya n'obulungi bw'okuddiŋŋana." Bya Lawrence Nadiope Isabirye, ava mu kika kya Balangira era Mmemba ku lukiiko lw'ekika.*

- *"Nze akulira ekika kya Abaise Kaima. Bwe nnali nzira ewange, nasanga abaana babiri nga bakaaba. Bangamba mbu abaana abalala baali bagaanye okuzannya nabo nga batya nti bayinza okubasiiga siriimu. Bantegeeza nti maama waabwe yali mulwadde nnyo ate nga taata waabwe yafa siriimu, nawulira nga kinkoze bubi nnyo. Nagenda nabo eri baana bannaabwe ne mbayigiriza ebikwata ku kawuka ka mukenenya n'engeri gye kasaasaanyizibwamu. Nayita olukiiko lw'ekika ne mbabuulira ekyali kiguddewo. Abaana bano baana baffe era baana b'omugenzi Musisi eyali mutabani waffe. Twakkiriziganya ne tuteekateeka omusomo gw'okuyigiriza abaana baffe ebikwata ku kawuka n'obulwadde bwa siriimu."*

Bekkiririzaamu: Abakulu b'ekika nga boogera mu musomo gw'okutendekebwa mu tawuni ye Kamuli.

kikyusizza nnyo kino. Abakulembeze b'ennono bakumaakuma abasajja era bwe bamala okutendekebwa ate be bakubiriza abalala okussa ekitiibwa mu bakulembeze ab'ennono nga bwe kyali okuva edda.

Abakulembeze b'ennono kati batambula n'omulembe era baamugaso

Abakulembeze ab'ennono ennaku zino beesanga nga bali mu massaŋŋanzira. Abamu oluvannyuma lw'okusomesebwa amateeka, beeraba nga abagunjufu nga beeyambisa ekitiiwbwa kyabwe eky'obyobuwangwa okukwasisa amateeka g'eggwanga. Okutendekebwa kuno kubatadde ku ddaala we basobolera okukolagana obulungi ne poliisi, woofiisi ekola ku nsonga z'abaana wamu n'abakulembeze ba disitulikiti ab'enjawulo. Abakulembeze ab'ennono kati balina ebisaanyizo ebibateeka mu bifo byobuvunaanyizibwa ebirala
(Bokisi 5).

Kino kiyambye okulaba nga ebibala bya pulojekiti bigenda mu maaso mu bitundu bino.

Bokisi 5: Abakulu b'ekika kati abantu babakkiririzaamu

- *"Kati nsobola okugenda ku poliisi oba mu woofiisi y'omutabaganya wa kkooti n'omuwawaabirwa okwebuuza ku nsonga yonna singa omu ku bantu bange abeera n'obuzibu. Nga sinnaba kutendekebwa nnali ntya nnyo wofiisi zino."* Bya Aspasa Kibikyo, omukulu w'ekika.

- *"Oluvannyuma lw'okutendekebwa, twatandikawo ekibiina ky'okwekulaakulanya. Tukolera wamu ng'abantu b'ekitundu era twatandikawo ensawo abantu abalina obwetaavu gye basobola okwewola ensimbi. Nalondebwa okuba nnyinintebe w'ekibiina kino."* Bya Bamwite Muzaale, Nnyinintebe.

Amateeka n'ebyobuwangwa: Okwekuba mu kifuba

Oluvannyuma lw'okutendekebwa, abakulembeze b'ennono batandise okweddako ku ndowooza gye balina ku mateeka mu ngeri nnyingi. Okugeza,

Bokisi 6: Okwejjulula we kisaanidde.

- *"Okusinziira ku byobuwangwa bya Basoga, omwana ow'obuwala teyasikiranga ttaka. Bannamwandu ne bamulekwa nga basikirwa busikizi ng'ebintu ebirala. Mu kugezaako okukwanaganya amateeka n'ebyobuwangwa kino kikyuse. Abaana ab'obuwala kati basobola okusikira ettaka. Singa ettaka liba nga lya kika era abaana ab'obuwala baweebwako ekitundu nga kitonoko ku ky'abalenzi, nga bateereddwako akakwakkulizo k'obutatundanga ttaka eryo. Bannamwandu ne bamulekwa bakkirizibwa okusigala mu maka g'omugenzi wamu n'okusikira ku bintu bye. Nnamwandu waddembe okuddamu okufumbirwa omuntu yenna gw'aba ayagadde omusika n'asikira busikizi omusaayi wabula si nnamwandu ne bamulekwa n'amaka nga bwe kyali nga edda".*Bya Mwami Aspasa omukulu w'ekika okuva mu kyalo kye Kannange.

- *"Gye buvuddeko, ebika tebyawandiikanga bakazi bafudde kubanga baatwalibwanga nga ebintu eby'omu maka era nga tewali kye basikiza eri abantu b'ekika kyabwe. Naye kati okuva lwe kiri nti abakazi nabo baba n'ebintu ebyabwe era nga balina obuyinza bwe bumu ng'abasajja, okusinziira ku mateeka, tusemba n'abakazi bwe baba bafudde okuwandiikibwa nga bafudde."* Bya Kabi omukulu w'ekika okuva e Bwooko, Nabirumbi.

ebyobuwangwa bikitwala nga nti omuwala tasobola kusikira kitaawe. Kino kitandise okukyuka nga kati abaana ab'obuwala basobola okusikira bakitaabwe wewaawo nga bafuna ebintu bitono bw'obigeraageranya n'ebyo abalenzi bye bafuna. Waliwo emirundi egimu abaana ab'obuwala lwe basikira ebintu bya bakitaabwe. Mu ngeri yeemu okuwandiisibwa kw'abakyala abafudde n'abaana kati kweyongedde e Kamuli okusinga bwe kyali. Ebintu bino okukolebwa, ebimu bikulembeddwamu bakulembeze ab'ennono (Bokisi 6).

7. Okuwunzika

Ebyobuwangwa, ekikula ky'abantu n'omulembe

Okuva obumu ku byobuwangwa bwa Basoga lwe buvvoola omwenkanonkano gw'abakazi n'abasajja okugeza abawala bagaanibwa okusoma n'okuba n'obwannannyini ku bintu, tusaanye twebuuze enkola y'okuyita mu byobuwangwa eyamba etya? Ekyokuddamu kiri nti ebyobuwangwa bisobola okukyusibwa okutuukana n'obwetaavu obuba buliwo ekiseera ekyo. Mu kiseera kino mwetuli mukatuubagiro ka siriimu, ekyokulabirako bannamwandu okusikirwa kirina okudibizibwa olw'obulabe obukirimu. Abakyala basomeseddwa era bamanyi eddembe lyabwe eryokwerondera ababeezi. Pulojekiti ya FIDA/PLAN eraga nti okuyingiza ebyobuwangwa mu nkulaakulana kitumbula omwenkanonkano gw'abakyala n'abaami. Ebyobuwangwa tebirina kukontana na mulembe oba yadde amateeka naddala singa bonna abakwatibwako baba mu mpuliziganya era nga boogeraganya. Okwogeraganya kw'abantu bano kusobolera ddala okuvaamu ebibala; okugeza abawala basobola okulondebwa bakitaabwe nga abasika baabwe ne watabaawo kwemulugunya kwa muntu yenna.

Ebiva mu birabiddwako biraga nti okuyita mu byobuwangwa kisobola okunyweza omwenkanonkano kubanga abasajja n'ebitongole byobuwangwa bisobola okulwanirira eddembe ly'abakyala n'abaana ab'obuwala. Singa bongerwa okutendekebwa n'okumanya amateeka tusuubira nga gye buggya abakulembeze ab'ennono bajja kusobola okulaba omugaso gw'okuba n'abakulembeze abakyala era baweebwe ebifo mu bukiiko bw'abakulembeze b'ennono. E Kamuli, waliwo kati abakulembeze ab'ennono abakyuse nga balabira ddala nti n'abakyala nabo basobola okubeerera ddala abantu ab'obuvunaanyizibwa, era abalwanirizi b'eddembe mu kitundu kyabwe.

Bokisi 7: Ebyokuyiga okuva mu pulojekiti

- ***Okutegeera obukulu bw'ebyobuwangwa***. PLAN ne FIDA bakizudde nti okukolera awamu n'abakulu b'ekika kiyambye nnyo okutwala pulojekiti eno mu maaso. Kino kyasoboka kubanga baatwala obudde okutegeera ebyobuwangwa by'abantu b'omu kitundu. Obukulembeze obw'ennono bukulu nnyo eri abantu era kyandibadde kirungi okutwala obudde okubiyiga n'okubitegeera.
- ***Okuzimba obusobozi bw'abakulembeze***. Okuzimba obusobozi bw'abantu b'ebitundu n'okubukulembera ku mitendera egy'enjawulo, okugeza ng'okubasomesa amateeka kiraze nti kiyambira ddala mu kaweefube w'okukuuma eddembe ly'abantu abakoseddwa obulwadde bwa mukenenya. Kino kiraga nti kikulu nnyo obutasuula bya buwangwa muguluka mu kugezaako okwaŋŋanga ebizibu ebituuka ku baana n'amaka. Abakulu b'ekika bakoze omulimu gwa ttendo.
- ***Okwetabyamu abakulu b'ekika***. PLAN ne FIDA baakizuula nti abantu baagala nnyo ebyobuwangwa, ennono n'obulombolombo bwabwe. Bwe twasalawo okukolaganira awamu n'abakulu b'ekika, pulojekiti yayanguwa kubanga abakulembeze b'ennono baali batunuulirwa wamu n'okuba nga baali beetegefu okukyusa mu ndaba yaabwe ey'ebintu. Abakulu b'ekika baakyuka kinene oluvannyuma lw'okutendekebwa mu mateeka era kati bakulembeze abassa ekitiibwa mu mateeka g'eggwanga.
- ***Enkola ez'enjawulo zikola***. Okugenda mu kkooti tekitera kuba nkola nnungi ey'okumalawo obutategeeragana bwogeraageranya n'okutabaganya abantu. Abakulu b'ekika bakoze kinene nnyo nga bayita mu kusomesa, okubudaabuda n'okukunga abantu.
- ***Okukolera awamu n'okuyambagana kikulu nnyo.*** Okulondoola emirimu n'enkola y'abakulembeze b'ennono mu bantu baabwe kikulu nnyo. Abakulu b'ebika kati be bamu ku bantu be tukolagana nabo era bayambye kinene mu kuyamba okuweereza emisango gy'obusika eri woofiisi ezikwatibwako.

Ebyobuwangwa n'eddembe ly'obuntu bisobola okukolera awamu

Okusobola okukuuma eddembe ly'obuntu ery'obwebange, ebyobuwangwa birina okugiisibwa mu bintu ebitwalibwa okuba eby'omuwendo era eby'enkizo. Kino kiyamba ebyobubwangwa obutatwalibwa ng'ebya wansi oba ab'ebuuzibwako

okutaataaganyizibwa. Okuyita mu byobuwangwa kuyamba okutumbula okwenyumiriza mu kintu n'obwannannyini. Okukolagana n'abakulu b'ekika mu pulojekiti kibayambye pulojekiti okugikkiririzaamu wamu n'okusaba abantu bonna n'abo okujjikkiririzaamu. Noolwekyo, amateeka g'eddembe ly'obuntu ery'obwebange gasobola mangu okussibwa mu nkola singa gakozesebwa okunyweza n'okutumbula ebyobuwangwa n'ennono. Nabirye ow'e Kitayonjwa omu ku baganyuddwa mu pulojekiti eno awunzika nti; abakulembeze b'ennono "*kati batutwala*

Abakulu b'ekika nga bagonjola enkayana z'obusika (kkono) ate ku (ddyo) nga bagonjoola enkayana z'ettaka mu muluka gw'e Busota mu 2007

era batulaba nga abantu era bakola omulimu gwa ttendo nnyo mu kukuuma eddembe lyaffe ery'obuntu. Amateeka okugatwalira awamu n'ennono n'ebyobuwangwa bwaffe gayambe nnyo okufuula abakulembeze baffe ab'ennono abantu ab'omuwendo mu kitundu kyaffe.

Akatabo kano kifunze ekyafulumizibwa ekitongole kya Cross-Cultural Foundation of Uganda. Abakungu ba FIDA/PLAN e Kamuli ne Kampala beebazibwa nnyo olw'okwewaayo mu kunoonyereza n'okuwandiika akatabo kano. Akatabo kano kagendera wamu n'olutambi lw'osobola okufuna okuva ku woofiisi za FIDA, PLAN oba ku CCFU.